

# Obulamu mu Maanyi ga Katonda – Butya?

## *MukwanoAndrew!*

Nalina okubeera mu mitambo gy'omukolo gw'okuziika omuvubuka omusawo. Nasaba nkozese ku Bayibuli ye nsobole okugikozesa okugyamu eby'okujuliza ebibakwatako ng'abantu. Nasangamu weyali yawandiika: "Njagala obulamu mu bungi!" kye yali ayagala kyekyo Yesu yekka y'asobola okukituwa:

*"... Nze najja zibe n'obulamu erazibe nabwo obungi."* (Yokaana 10:10 NKJV)

Yesus ayagala obulamu buno obuggya tubufune kati era tweyongere nabwo bw'aikomawo ng'obulamu obutaggwawo mu bwakabaka bwa Katonda.

Ekyokusoomooza ekiriwo kati ye ngeri gyetusobola okubeera abanywevu era abamaririvu okufuna enkolagana ey'essanyu era ey'olubeerera ne Yesu mu bulamu.

Okugerageranya okusaanidde: Emotoka omutali mafuta. Waliwo ebintu ebisoboka bibiri: okugisindika oba okufuna amafuta. Emotoka mulina okubeeramu mafuta okusobola okukola omulimu gwayo .

**Obulamu obw'ekikristaayo obutaliimu maanyi busobola okugerageranyiziibwa ku motoka omutali mafuta.**

Kale: Nyinza ntya okubeerawo awatali maanyi ga Katonda? Yesu yagamba abayigirizwa be:

*"Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo mutukuvu b'walimala okujja ku mmwe.."* (Ebikolwa 1:8 NKJV)

Ekyo kikola kitya? Ebisingawo tubisanga wa? Waliwo ekyawandiikibwa kimu kyokka mu Bayibuli, Mukama waffe Yesu mwatukubiririza mu kwagala okusaba Mwoyo Mutukuvu. Ekyawandiikibwa kye kino:

Lukka 11:9-13: *"Nange mbagamba mmwe nti **musabe**, muliweebwa ; **munoonye,** muliraba; **mweyanjule**, muliggulirwawo. Kubanga buli muntu yenna asaba aweebwa; n'anoonya alaba; n'eyeeyanjula aliggulirwawo. Era ani ku mmwe kitaawe w'omuntu omwana we bw'amusaba omugaati, alimuwa ejjinja? Oba ekyenyanja , n'amuwa omusotamu kifo ky'ekyenyanja?. Oba bw'alisaba eggi, n'amuwa enjaba?*

* Andrew okuva kw'oyo ow'omuBayibuli mu Yokaana 1:40-42. Ensonga – Andrew yatwalamugandawe Peetero eri YesuYesu.

*Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu* ***abamusaba****!"*

Olina ky'ozudde? Yesu mu byawandiikibwa bino yakozesa ekigambo ky'ekikolwa "saba" emirundi mukaaga, n'awaanyisa ekigambo "saba" emirundi ebiri n'akyogeramu amaanyi ng'akozesa ekigambo "noonya" – ekigambo eky'okukolerawo – n'emirundi emirala ebiri n'akozesa ekigambo "konkona" - Nakyo nga kigambo kya kikolwa. Kino tekitulaga bulungi nti tulina okubaako kye tukola? Ekigambo "saba" ekisembayo kyakozesebwa mu biseera ebiriwo ebigenda mu maaso mu luyonaani. Kino kitegeeza nti tesusaba mulundi gumu, wabula lubeerera. Yesu Takoma bukomi mu kukaatiriza obwetaavu bw'okusaba, naye era atusuubira okweyongera okukikola. Kino kitulaga nti Yesu akimanyi nti tulina ekintu ekikulu ekitubulako. Atulaga bulungi amazima nti twetaaga Mwoyo mutukuvu era tubeerawo kululwe.

Yesu atulaga mu ngeri ey'ekikugu – ng'addiŋŋana ebigambo n'okugeerageranya – ekyetaago kyaffe ekisinga obukulu: tulina obutaweera okusaba Mwoyo Mutukuvu. Kino kya muwendo nnyo. Kikwata ku kirabo kya Katonda ekisinga amaanyi – ekirabo ekijja n'ebirabo byonna ebirala mu mukululo gwakyo. Kino kye kitikkira ebirabo byonna Yesu kye yawa abayigirizwa be n'akabonero akabakakasa omukwano gwe.

**Buli lunaku lujja kutubeerera lwakulabirako bippya, bwetumanyisibwa ekituufu ekikwata ku bulamu obujjudde Mwoyo Mutukuvu era ne twewaayo eri obukulembeze bwe.**

**Bayibuli eyogera ku bibiina by'abantu bisatu eby'enjawulo nga biva ku nkolagana yabwe ne Katonda:**

Weebuuze: Ngwa mu kibiina ki? – ndi wa kibiina ki?


## 1. Omuntu Ow'omukka

Ono, ye muntu atannakiriza Kristo.

*"Naye omuntu ow'omukka obukka takkiriza bya Mwoyo gwa Katonda. Kubanga bya busirusiru gy'ali, era tayinza kubitegeera, kubanga bikeberwa na mwoyo."* (1 Abakkolinso 2:14 NIV)

**Obulamu obufugibwa okwemanya**

**O** = Okwemanya, nnamulondo yo ekukugira.
**K** = Kristo ali wabweru w'obulamu bwabwe.
• = Ebitundu by'obulamu, ebifugibwa okwemanya era ebitera okuleeta okwonoona n'okwenyamira.




## 2. Omuntu ow'omwoyo

Omuntu ono , yakkirizaYesu Kristo era akulemberwa n'aweebwa amaanyi Mwoyo Mutukuvu.

*"Naye omuntu ow'omwoyo akebera byonna…"* (1 Abakkolinso 2:15 NKJV)

**Obulamu obukulemberwa Kristo**

K = Kristo ali ku nnamulondo y'obulamu
O = Okwemaanya kutikuddwa
• = Ebitundu by'obulamu, ebiri wansi w'obukulembeze bwa Katonda atakugirwa n'okweyongera kw'okukwatagana n'enteekateeka ya Katonda





## 3. Omuntu ow'omubiri

Omuntu ono, Akkirizza Kristo, naye atera okufuna okutendewarirwa, kubanga agezaako okubeera mu bulamu obw'ekikritaayo mu maanyi ge mu kifo ky'amaanyi ga Mwoyo mutukuvu.

*"Nange, ab'oluganda, saayinza kwogera nammwe ng'ab'omwoyo, naye ng'abomubiri, ng'abaana abawere mu Kristo. Nabanywesa mata, so si mmere; Kubanga mwali temunnagiyinza, naye era ne kaakano temunnagiyinza. Kubanga mukyali ba Mubiri, kubanga mmwe nga bwe mukyalimu obuggya n'okuyomba, temuli ba mubiri, era temutambula ng'abantu obuntu?* (1 Abakkolinso 3:1-3 NKJV)

**Obulamu obufugibwa okwemanya**

O = Okwemanya, nnamulondo yo ekukugira
† = Kristo ali mu bulamu bwabwe . naye ssi ku nnamulondo.
• = Ebitundu by'obulamu, bwe bifugibwa okwemanya era ebitera okuleeta okwonoona n'okwenyamira



Twagala okutunuulira ensonga eno enkulu mu mitendera ena. Tujja kutunuulira nnyo embeera z'abantu ab'omwoyo n'abomubiri

### 1. Katonda ayagala tufune obulamu obulimu ebibala era obujjudde.

*"Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bungi."* (Yokaana 10:10 NKJV)

*"Nze muzabbibu, mmwe matabi, abeera mu nze, nange mu ye,oyo abala ebibala bingi; kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola* (Yokaana 15:5 NKJV)


*"Naye ebibala by'omwoyo kwe kwagalaokusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, obuwombeefu, okwegendereza.."* (Abaggalatiya 5:22-23 NKJV)

*"Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu samaliya n'okutuusa ku nkomerero y'ensi."* (Ebikolwa 1:8 NKJV)

**Omuntu ow'Omwoyo**

Ezimu ku mbeera ziraga obulamu obulimu Katonda:

- Kristo abeera mu makkati ga buli kintu
- Obuyinza kuyita mu Mwoyo mutukuvu
- Obulamu obukolera mu kusaba okukola.
- Okutegeera ekigambo kya Katonda
- Okwesiga Katonda
- Obuwulize eri Katonda
- Okutwala abantu abalala eri Kristo




*Omukwano | essanyu | emirembe | okutoba*
*Ekisa | obulungi | Obwesigwa*

Ebiva mu mbeera zino mu bulamu bwaffe bisinziira ku kukula mu Kristo, ku bunene bw'enkolagana naye wamu n'okwesigira ddala mu bintu byonna eby'obulamu.


Oyo, atandise okumanya omulimu gwa Mwoyo Mutukuvu, taggwaamu maanyi bw'atabala bibala bingi ng'eby'omukritaayo eyakula, oyo aludde nga amanyisibwa amazima.

**Lwaki abakristayo abasinga tebafuna bulamu bujjuvu?**

## 2. Abantu ab'omubiri tebayinza kufuna bulamu bwa Kristaayo obulimu ebibala era obujjudde .

Ezimu oba embeera zino zonna ziraga abakristaayo ab'omubiri, abateesiga Katonda mu bujjuvu.

- Obutamanya bye balina eby'omwoyo
- Obutakkiriza
- Obujeemu
- Okwagala okutamatiza eri Katonda n'abala
- Obulamu bw'okusaba obutamatiza
- Okwagala kwa Bayibuli okutamatiza




*Ebirowoozo ebitali birongoofu | Obuggya | OKulumirizibwa, Okweraliikirira okutetaagisa | Okuggwaamu amaanyi, okuvumirira buli kimu | Okwekyawa Obutaba na kiruubirirwa | Amateeka (Ekirowoozo nti bateekwa okubaako kye bafuna okuva eri Katonda)*

(Oyo, Alowooza nti ye Mukristaayo owaddala, naye nga oyonoona obutaddiriza, yetunulemu okusinziira ku 1 Yokaana 2:3, 3:6, 3:9 ne Abaefeso 5:5 Okulaba oba nga mu Kristaayo .)

**Ensonga ey'okusatu etulaga empenda yokka eri ekizibu kino…**

## 3. Yesu atusuubizza obulamu obulimu ebibala era obujjuvu. Buva mu kujjula Mwoyo Mutukuvu, wamu n'okuluŋŋamizibwa n'obuyinza Mwoyo Mutukuvu bw'agaba.

Obulamu obujjula Mwoyo obwo Kristo bwakulembera. Kristo obulamu bwe bubeera mu ffe era t'atukoleramu era okuyita mu ffe ng'akozesa okweyongera kw'amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu (Yokaana 15).

**A.** Okusinziira ku Yokaana 3:1-8, Omuntu okufuuka omukritaayo kuva mu bukozi bwa Mwoyo Mutukuvu. Mu kaseera k'okuzaalibwa kwaffe obuggya mu Mwoyo, tufuna obulamu obuggya mu Kristo.

Tulina okujjukira nti:

Obulamu bwaffe tubufuna mu kuzaalibwa. obulamu bwaffe obwa bulijjo tubufuna mu kuzaalibwa, obulina okukuumibwa. Ku ngulu, bukuumibwa empewo gye tussa, amazzi, emmere, n'ebirala. Ekintu kye kimu kyennyini mu nsi ey'Omwoyo nga bwekiri mu nsi ey'omubiri. Tufuna Mwoyo mutukuvu – Bayibuli ekiyita okuzaalibwa okw'okubiri (Yokaana 3:3), bwe tweweerayo ddala eri Krito era netukiraga okuyita mu kubatizibwa Bayibuli kw'eragira mu biseera ebisaanidde. (Ebikolwa 2:38; Yokaana 1:12; Yokaana 14:16-17). Obulamu bw'Omwoyo buno okusobola okububeezaawo bwetaaga okubeera ne Mwoyo Mutukuvu, okusaba, ekigambo kya Katonda, n'ebirala. .

**B.** Omwoyo Mutukuvu ye nsibuko y'obulamu obujjuvu (Yokaana 7:37-39).

**C.** Mwoyo Mutukuvu Yajja okugulumiza Kristo. (Yokaana16:1-15) Omuntu bw'ajjula Mwoyo mutukuvu, abeera mugoberezi wa Yesu Kristo eyesiga.

**D.** Kristo mu bigambo bye ebyasembayo nga tannagenda mu ggulu yatusuubiza amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu, tusobole okuweebwa amaanyi okubeera abayigirizwa be era abajulizi (Ebikolwa 1:1-9).

**Omuntu ajjula atya n'omwoyo Mutukuvu?**

## 4. Tujjula Mwoyo Mutukuvu Okuyita mu Kukkiriza.

**Awo tusobola okufuna obulamu obujjudde ebibala, obwo Kristo bwe yatusuubiza.**

Tetusobola kukolerera bugagga bw'abintu bya Katonda – kiba kirabo. Tukifuna na kukkiriza – mu kwesiga Katonda.
Osobola okufuna okujjula kwa Mwoyo Mutukuvu kaakati, Bwo:

**A.** Oba ddala ng'olina okwagala okujjula n'okukulemberwa Mwoyo Mutukuvu (Matayo 5:6; John 7:37- 39).

**B.** Osabira mu kukkiriza okujjula Mwoyo Mutukuvu. Oba , okwesiga nti Yesu Kristo ajja kuddamu essaala yo.

Yesu yagamba: *"'Akkiriza nze, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy'amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe. Ekyo kyayogerwa ku Mwoyo….."* (Yokaana 7:38-39 NKJV)

*"… tulyoke tuweebwe ekyasuubizibwa eky'Omwoyo olw'okukkiriza."* (Abaggalatiya 3:14 NKJV)

Katonda atwanguyiriza okumwesiga ng'akozesa ebisuubizo ebitakyuka. Agamba mu 1 Yokaana 5:14 NKJV: *"Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti **bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira**."*

Abo, abasabira mu kwagala kwe – olunyiriri oluddako lugamba" *"Era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye."* (1 Yokaana 5:15 NKJV)

Enzivuunula endala (NIV) egamba: *"Era bwe tumanya nti atuwulira –kyonna kye tusaba – tumanya nti tufunye ekyo kye tumusabye*

Kino kitegeeza nti essaala eziri mu kwagala kwa Katonda ziddibwamu mu kadde ako, bwe tuziteeka mu maaso ga Katonda, yadde nga ebiseera ebisinga tetulina kye tuwulira. Ebyo bisobola okulabika oluvvanyuma.

**EKy'okulabirako:** Omuntu asaba asumululwe okuva ku kufuweeta sigala. Okusaba kwe kuddibwamu mu kukkiriza mu kaseera ako kennyini w'akyatulira. Essaawa ntono bwe ziyitawo, atandika okulaba nga takyayoya Taaba.(Ebisingawo biri mu bbaluwa eri Andrew ku "Buwanguzi ku Biragalalagala n'omwenge." Okusabira mu bisuubizo nakwo kwongerwa okunnyonnyolebwa mu bulambulukufu.)

Yesu agamba mu Makko 11:24 (NKJV): *"Kyenva mbagamba nti ebigambo byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize nga* [ddala] *mubiwereddwa, era mubifuna."*

**C.** Katonda atuwadde ekisuubizo ky'okuwebwa Mwoyo Mutukuvu mu lukka11:9-13. Twakirabyeko mu ntandikwa y'ebbaluwa (essuula) eno, nabwekityo, essuula eya 13 yokka(NKJV): *"Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo kitammwe ali mu ggulu okuwa Mwoyo Mutukuvu abamusaba!"*

## Osabira otya mu kukkiriza okujjula Mwoyo Mutukuvu.

Essaala erimu okukozesa ebisuubizo enyweza obwesige bwaffe mu kukkiriza nti ejja kuddibwamu era mu kiseera ky'ekimu, guba mukisa okulaga okukkiriza kwaffe. Essala ekulagirirwa y'eno eddirira:

**Suggested Prayer**

"Kitaffe mu ggulu, nzijja gy'oli mu linnya lya Yesu. Siyinza ku kugoberera mu maanyi gange. Omanyi nti ngezezaako ne nemererwa. Nkusaba ompe obusobozi okubeerawo okusinziira ku kwagala kwo. Wandagira: "nzijule Mwoyo Mutukuvu" (Abaefeso 5:18 NKJV) ndi mwetegefu okujjula. Nkwegayirira kino kituukewo kati, kubanga osuubiza nti oyagala okutuwa Mwoyo Mutukuvu okusingako ba kitaffe ab'okunsi nga bwe baagala okuwa abaana baabwe ebintu ebirungi (Lukka 11:13). Njagala okukwebaza nti omaze okunzijuza, kubanga wasuubiza nti bwe nsabira mu kwagala kwo , awo many anti byensabye mbifunye(1Yokaana 5:14-15). Nkwegayidde nkulembera era nkozesa leero okusinziira ku kwagala kwo."

Essaala eno ekwatagana n'ebyetaago byo? Bwe kiba nti ye, gifuule essaala yo kati. Ndagirira nti osabe essaala eno ng'oyatula era ng'oli mugumu nti Katonda akujjuzza Mwoyo we Omutukuvu.

## Ekikakasa nti ojjula Mwoyo Mutukuvu.

Osabye Katonda okukujuzza Mwoyo we Omutukuvu? Onsinziira ku ki okumanya oba ojjula Mwoyo mutukuvu? (Kubanga Katonda wamu n'ekigambo kye - mwesigwa: Abaebbulaniya 11:6; Abaruumi 14:22-23.)

Ekiwulirwa ssi kye kikulu. Ebisuubizo bya Katonda mu kigambo kye bye bikulu – so ssi byetuwulira. Omukritaayo abeerawo lwa kukkiriza, ekitegeeza okugumira mu bwesibwa bwa Katonda n'ekigambo kye.

Ekifaananyi kino kigendereddwa okulaga enkolagana wakati w'amazima (Katonda n'ekigambo kye), okukkiriza ( okwesiga kwaffe eri Katonda n'ekigambo kye) ne bwe tuwulira (ebiva mu kukkiriza n'obuwulize) (Yokaana 14:21).




Eggaali y'omukka esobola okutambu oba nga eriko ebyana oba nedda. Kyandibadde kya kumala biseera ekyana okusika omutwe gwayo. Bwe kityo, abakristaayo tebeesigama ku bwe bawulira ne bye balooza, wabula ku bwesige (okukkiriza kwaffe) mu butakyuka bwa Katonda n'ebisuubizo ebiri mu kigambo kye.

## Engeri gy'obeerawo mu mwoyo mutukuvu

Engeri yokka omukristaayo gy'asobola okufuna obulamu obujjula Mwoyo Mutukuvu ye y'okukkiriza (obwesige mu Katonda n'ebisuubizo bye). Mu kukola kino, tulina okwetegereza 2 Abbakolinso 4:16 wagamba:

*"… Naye omuntu waffe ow'omunda afuuka muggya bulijjo bulijjo."* (NKJV)

Eyo y'ensonga lwaki kya magezi buli kumakya okuwonga obulamu bwaffe eri Katonda era ne tumusaba mu kukkiriza – kyagala nga tukozesa ebisuubizo – okuzibwa obuggya okuyita mu Mwoyo Mutukuvu. Bw'obeerawo bulijjo bulijjo nga wesiga Kristo, awo bijja kubeerawo:

**A.** Obulamu bwo bujja kweyongerera ddala okubala ebibala eby'omwoyo (abaggalatiya 5:22); embeera zo zijja kweyongerera ddala okufaanana eza Kristo. (Abaruumi 12:2; 2 Abakkolinso 3:18).

**B.** Obulamu bwo obw'okusaba n'okusoma ekigambo kya Katonda bujja kweyongera amakulu.

**C.** Ojja Kufuna obusobozi bwe okwewala ebikemo n'okwonoona.

*"Tewali kukema okubakwata okutali kwa bantu; naye Katonda mwesigwa, ataabaganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza…"* (1 Abakkolinso 10:13 NKJV )

*"Nyinzizza byonna Kristo ampaa amaanyi."* (Abafiripi 4:13 NKJV )

*"Ekyenkomerero, mbe nga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu buyinza obw'amaanyi ge.* (Abaefeso 6:10 NKJV)

*"Kuba Katonda teyatuwa ffe omwoyo ogw'okutya, wabula ogw'amaanyi era ogw'okwagala era ogw'okwegenderezanga."*(2Timoseewo 1:7 NKJV)

*"Kale kaakano tebaliiko musango abali mu kristo Yesu. Kubanga etteeka ery'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu teeka ly'ekibi n'okufa."* (Abaruumi 8:1-2 NKJV )

*"Tumanyi nga buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi; Naye eyazaalibwa Katonda amukuuma, omubi n'atamukomako."* (1 Yokaana 5:18 NKJV)

**D.** Ojja kufuna obuyambi okuva ewa Katonda bw'onojulira (Ebikolwa by'abatume 1:8)

## Okussa okw'omwoyo

**Okuyita mu kukkiriza osobola okweyongera okufuna okwagala n'okusonyiwa kwa Katonda . Bwe kikweyoleka nti Katonda takyagala (ekikolwa oba eneeyisa) mu bulamu bwo, yadde obeera naye, eranga wetaagira ddala okumugoberera, awo wenenye ekibi kyo, eky'okulabirako, ekikyamu, obutasonyiwa n'ebirala. Oluvvanyuma mwebaze olw'ekisonyiwo kye kubanga Kristo yatufiirira ku musaalaba. Kiriza okwagala n'okusonyiwa kwe mu kukkiriza era weyongere okubeera mu bubeezi naye.**

Bw'oyonoona – ekikolwa eky'obujeemu – awo okola okussa okw'omwoyo.

Okussa okw'omwoyo (Okufulumya ebitatuukiridde n'okuyingiza ebituukiridde) kikolwa kya kukkiriza, ky'oyitamu okweyongera okufuna okwagala n'okusonyiwa kwa Katonda.

### 1. Kufulumya

Wenenye ebibi byo nga obyogera, kiriziganya ne Katonda ku nnamula y'ebibi byo era omwebaze olwokukusonyiwa. (1 Yokaana 1:9 ne Abaebbulaniya 10:25). Okwenenya kubeeramu okutereeza - okukyusa enneyisa oba ebikolwa

### 2. Okuyingiza

Ddamu oweereyo ddala obul;amu eri Kristo era oddemu okumusaba Mwoyo Mutukuvu mu kukkiriza. Kkiriza nti ajja kugenda mu maaso n'okukulembera nga bwe yasuubiza mu Lukka 11:13 ne 1 Yokaana5:14-15.

**Okunyonnyola kuno bwe kuba kulina kye kukuyambye, osabibwa okuwaako omulala oba okubaako gw'okusomera.**


Nsaba ofune essanyu mu bulamu bwo obuggya okuyita mu maanyi ga Katonda.

Okulamusa okw'essanyu n'okukwagaliza ebisinga

*Helmut ne Kurt Mukwano gwange*

(Helmut Haubeil ne Kurt Hasel)

weyongere osome




**AKATABO 1: EMITENDERA MU KWEZZA OBUGGYA**

*OkujjulaMwoyo Mutukuvu .*

Mukama wafee yennyini y'awadde ekiragiro.[1] mujjule lubeerera mu kuddiŋŋana buggya ne Mwoyo Mutukuvu![2]

1 E.G. White, *Mount of Blessing, MB 20.3* (egwwritings.org)

2 Johannes Mager, *Auf den Spuren des Heiligen Geistes* (Lüneburg, 1999), p. 101

**www.steps-to-personal-revival.info**

EBIGAMBO EBISOOKA ERI ABAKULEMBEZE N'ABAKULEMBEZE ABAJJA

## OKUKUBISAAMU EMIGANYULO

### ESSUULA 1: YESU KY'EKIRABO EKY'OMUWENDO

*Yesu yasomesaki ku mwoyo mutukuvu? Omanyi obubaka bwa Yesu obusinga okusensera? MwoyoMutukuvu akola mulimu ki?*

### ESSUULA 2: EKINYUSI KY'EBIZIBU BYAFFE KYE KI?

*Waliwo ensibuko y'ebizibu byaffe nga ya Mwoyo? Kiva mu butaba na Mwoyo Mutukuvu? Kizibu ki ekyamanyi ekiri mu kubeera omukristaayo ow'omubiri?*

### ESSUULA 3: EBIZIBU BYAFFE BISOBOKA OKUGONJOLWA

*Katonda alina mpenda ki eri ebizibu byaffe? Tusobola tutya okufuuka abakristaayo abanywevu era abasanyufu? Nkolagana ki eriwo wakati w'okubatizibwa ne Mwoyo Mutukuvu?*

### ESSUULA 4: NJAWULO KI GYE TUBA TUSUUBIRA?

*Birungi ki bye tulina mu bulamu obujjula Mwoyo Mutukuvu?*

*Tufiirwa ki bwe tutasaba Mwoyo Mutukuvu?*

### ESSUULA5: EKISUMULUZO ERI EBIFUNIBWA EBIRABWAKO

*Nyinza ntya okufuna n'okuteeka munkola empenda za Katonda gyendi?*

*How should I pray so that I am sure of being filled with the Holy Spirit?*


### ESSUULA 6: EBY'OKUFUNA EBITULI MU MAASO?

*Ebifunibwa eby'obuntu, wamu n'ebyekkanisa, enkuŋŋaana n'omukago*

### ESSUULA 7: OBWETAAVU N'OKUGABANA

*Essanyu lye tuwaliddira emitima gyaffe (olugero lw'abaGerman) Nsobola ntya okuyamba abalala okufuna 'obulamu mu bungi'? Obubaka tubutambuza tutya? Makubo ki agaliwo?*

weyongere osome




**ENNAKU 40 : AKATABO 1**

# OKUSABA N'OKUMWEKWASA

## Tokutegekera okujja okw'okubiri

Denis Smith

**Okulagiriza: www.spiritbaptism.org**

Oyagala okufuna obulamu bw'okusoma n'okusaba obulina amakulu?
Owulira obwetaavu okubaako b'otuukirira ku lwa Yesu?

Bwe kiba kityo, ozze mu kifo ekituufu. Akatabo kano kalimu eby'okusoma n'okwekwasa Katonda eby'ennaku 40 ebikoleddwa okunyweza enkolagana yo ne Kristo n'okukusobozesa okutwala abalala gy'ali.

Lwaki ennaku 40?
Bayibuli eriko ebintu ebinene by'eyogerako ebyatuukawo mu biseera bino byennyini:

- Enkuba yatonnyera ennaku 40 mu biseera eby'amataba .
- Musa yamala ennaku40 ng'ali wamu ne Katonda ku lusozi sinnaayi .
- Abakkessi Abayisraeli baatwala ennaku okulambula ensi ensubize.
- Yona abe Nineevi yabalabulira ennaku 40.
- Yesu yamala ennaku 40 mu ddungu bwe yamala okubatizibwa
- Yesu ng'amaze okuzuukira yamala ennaku 40 ng'ali wamu n'abayigirzwa be.

Katonda aliko ekintu eky'amaanyi ky'ayagala okukola mu bulamu bwo, naaw. Tayagala kukusembeza mu bubeezi wamu naye kyokka - ayagala okuweereza eri abalala ng'ayitira mu ggwe. Era nga bw'omala ennaku zino 40 ezebyewuunyo ne Katonda, ajja kukuteekateekera akasandali k'ensi ak'enkomerero n'okukomawo kwa Yesu okwesungibwa ennyo.

OKULAGIRIZA :